**P360/2**

**LUGANDA**
**Paper 2**
**July 2023**

# LUGANDA TEACHERS' ASSOCIATION (LTA)

*(UACE)*

## Okukyusa, Okuwandiika Emboozi, Okusoma Bwino n'Okufunza

## Essaawa ssatu (3)

**Ebigobererwa:**

- *Olupapula luno luganyiziddwamu ebitundu bina:* **A, B, C** *ne* **D**.
- *Ebitundu* **A, C** ne **D** *bya buwaze.*
- *Mu kitundu* **B**, *oweereddwa eby'okulondako by'oyagala okuddamu.*
- *Ddamu nga bw'olagiddwa mu buli kitundu.*

**EKITUNDU A:**

**Ddamu 1 (a) ne 1 (b)**

**1. (a)** Kyusa ekitundu kino okizze mu Lungereza. ***(Obubonero 15)***

**GAVUMENTI NNEETEGEFU OKUSITULA EBYOBULAMBUZI BY'EGGWANGA**

Pulezidenti Museveni bwe yabadde ayogerako eri eggwanga yalaze nti Gavumenti emaliridde okusitula ebyobulambuzi bya Uganda ng'ebissaamu ssente. Omusasi waffe Prossy Nandutu yawayizzaamu ne ssentebe w'ekitongole ekivunaanyizibwa ku byobulambuzi mu ggwanga ekya Uganda Tourism Board (UTB), Daudi Migereko n'abaako ensonga ezikwata ku byobulambuzi z'alambulula.

Mu bufuze, obuvunaanyizibwa bwa Uganda Tourism Board bwe buluwa?

Kye kitongole ekyateekebwawo wansi w'etteeka ly'obulambuzi erya Tourism Act 2008. Ogumu ku mirimu emikulu kwe kumanyisa ensi ebyobulambuzi bya Uganda n'okubalaga nti Uganda kye kifo ekisinga obulungi omuntu kye yandikyaliddeko n'akirambula.

Ekirala, kwe kusikiriza bamusigansimbi okuteeka ssente mu byobulambuzi, okunoonyereza ku byobulambuzi, okukwasisa amateeka agafuga ebyobulambuzi, okulondoola omutindo gw'ebyobulambuzi n'okuddukanya ebyobusuubuzi ebikwatagana n'ebifo ebikozesebwa abalambuzi gamba nga wooteeri n'ebirala.
(Kisimbuddwa mu Bukedde Lwakubiri Ssebaaseka 20, 2023).

**(b)** Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda. ***(Obubonero 15)***

According to the 1998 Land Act, one of the recognized land tenure systems in Uganda is the Mailo Land ownership- where the owner has a land title and owns land indefinitely. Traditionally, land ownership is seen as sign of preside in society, yet women in many tribes of Uganda are not supposed to own land. The fact that most women do not own land reduces their voice in controlling earnings from such land and worse still, getting bank loans to improve farming on their farms.

Joyce Mugwanya, like most women, does not own the land on which she practices her farming. This land was allocated to her by her husband, however the allocation was done verbally, so in reality the husband still owns it. If Joyce had security, she would try accessing the Agricultural Credit Facility (ACF). All that she would require is security and a good farming plan. In most cases security is the land on which the farmer is practicing farming. Unfortunately, Joyce does not own the land.

(Extracted with minor modifications from New Vision, Friday June 2nd 2023).



CamScanner

**Ddamu 2 (a) oba 2 (b)**

**2. (a)** Ku mitwe egikuweereddwa londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga 400. ***(Obubonero 30)***

i. Obulema si buteesobola!

ii. Wandiika emboozi ng'erimu ebigambo bino: " Siriddayo kuwa muntu gwe simanyi Kyakulya nga ndi mu takisi!"

iii. Amazima ddala enkomerero etuuse!

iv. Okufuula buli diisitulikiti ekibuga (city) kijja kukendeeza ku mujjuzo oguli mu kibuga Kampala. Kubaganya ebirowoozo.

**OBA**

**(b)** Ku mitwe egikuweereddwa londako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga 200. ***(Buli mutwe gwa bubonero 15)***

i. Weefuule omuserikale w'ebidduka owandiike omuko mu mawulire ng'owa amagezi agayinza okugobererwa okumalirawo ddala obubenje mu ggwanga.

ii. Nga omukulu w'abazadde b'essomero lyammwe, wandiika alipoota eraga bye mwazudde ebiviirako abayizi b'essomero eryo okuyosaayosa buli kaseera ne batasoma bulungi mu kibiina.

iii. Abayizi ba S3 ne S5 bakyalemeddwa okusalawo oba basome Lugand oba essomo eddala. Sinziira mu musomo gwe babategekedde ku nsonga eyo obaagazise okukola Oluganda.

iv. Mukwano gwo yamaliriza S6 mu 2022 era yayitira waggulu n'afuna n'ekifo mu ssettendekero e Makerere asomere ku gavumenti. Kati akuwandiikidde ng'akunyumiza nti ye eby'okusoma abivuddeko era agenda Buwarabu kwekolera ssente. Ddamu ebbaluwa ye ng'omuwabula ku nsonga eyo.

**EKITUNDU C**

3. **Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikuweereddwa ku nkomerero yaakyo.** ***(Obubonero 20)***

Obufumbo ze zimu ku mpagi ezizimba eggwanga eryeyagaza. Mu nnono z'abaddugavu, abaana babateekateeka mu nsonga ezikwata ku bufumbo basobole okufuna ababeezi abasaanidde be banaawangaala nabo, kibasobozese okukuza obulungi abaana olwo eggwanga linywere. Mu ngeri y'emu, enzikiriza zonna zikkiriza nti, amaka lye ssinzizo ezisooka era bwe gasattulukuka kizibu okufuna abakkiriza n'abantu abalimu obuntubulamu, kubanga akaakyama amamera bw'ogezaako okukagolola kamenyeka bumenyesi, era eno y'emu ku nsonga lwaki buli ggwanga lifaayo nnyo ku nsonga y'okunyweza obufumbo.

Wabula, wadde obufumbo bukulu nnyo, okubuwangaaza kyongedde okufuuka ekizibu ensangi zino, olw'abafumbo abasusse okwawukana buli lukya, olw'obutakkaanya obuva ku nsonga ez'enjawulo. Ennyingo eya 31 mu Ssemateeka w'eggwanga erambika nti, abasajja n'abakazi abawezezza emyak 18 n'okusoba basobola okufumbiriganwa singa baba nga basiimaganye. Ssemateeka era ayongerako nti, buvunaanyizibwa bwa bazadde okukuza obulungi abaana baabwe mu bufumbo obwo.

Kiteeberezebwa nti, abafumbo 370,000 be baawukana buli mwaka mu Uganda, ekivuddeko ebizibu enkumu ng'endwadde, obwavu, okutulugunyizibwa kw'abaana n'ebirala. Kyokka okunoonyereza kuno okwakolebwa ekitongole kya International Development Cooperation in Uganda mu 2020, tekyawula oba obufumbo obwogerwako buwandiise mu mateekaoba oba mulimu n'obwa Kawundokakubyeddirisa.
Palamenti eri mu nteekateeka ez'okukola etteeka erirungamya obufumbo era omwaka oguwedde, 2022, omubaka Sarah Opendi (mukazi/Tororo) yaweebwa olukusa okuleeta ebbago ly'obufumbo eriyitibwa:

'The Marriage Bill 2022'. Opendi agamba nti ebizibu by'obufumbo n'okwawukana okususse bivudde ku mbeera y'obutaba na tteeka lyetengeredde kulungamya bafumbo okusinziira ku nkyukakyuka ezizze mu nsi.

Etteeka lino ligendereddwamu okukuuma abakazi kubanga be basinga okutulugunyizibwa mu mbeera y'okwawukana, ng'engabana y'ebintu ereeta nnyo obuzibu kubanga abakazi bangi amannya gaabwe tegali ku biwandiiko ebiraga obwannannyini ku by'obugagga ebikoleddwa nga bali mu bufumbo. Obumu ku buwaayiro Opendi bw'ayagala okuteeka mu bbago lino, bwe butafuula bintu ebiweebwayo omusajja ng'awasa omukazi okubeera eby'etteeka (byabuwaze) kubanga abasajja bakitwala ng'ababa baguze omukazi, olwo ne batulugunya abakazi ne bakamala ekivaamu kwe kwawukana.

Opendi era mu bbago lino ayagala okuteekamu akawaayiro akakakasa obufumbo bw'abantu abamaze emyezi mukaaga nga bali wamu. Nti kino kijja kuyamba abakazi abatali ba mpeta nabo okufuna ku mugabo singa omusajja yeefuula n'amugoba oba singa abeera afudde. Kino era nti kya kutangira abasajja okumala gagoba bakazi ne bawasa abalala kubanga waliwo by'ofiirwa ng'ogobye omukazi wadde si wa mpeta.
(Kisimbuddwa mu Bukedde, Lwakutaano Ssebaaseka 23, 2023)

**EKIBUUZO:**

a) Ng'osinziira ku kitundu ky'osomye, wa ensonga bbiri (2) eziwaliriza eggwanga okunyweza obufumbo. ***(Obubonero 4)***

b) Laga ensonga ssatu (3) ezikakasa nti etteeka ly'obufumbo eryogeddwako liwa abakazi essuubi ery'okufuna essanyu mu bufumbo bwabwe. ***(Obubonero 6)***

c) Leeta ensonga emu eraga nti mu Yuganda, obufumbo buli mu mateeka era bwakkirizibwa. ***(Obubonero 2)***

d) Wa ensonga emu eraga engeri etteeka eryogeddwako gye liyinza okuyambamu abasajja abafumbo. ***(Obubonero 2)***

e) Laga ebizibu ebyogeddwako ebiva ku kwawukana kw'abafumbo. ***(Obubonero 2)***

f) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye ***(Obubonero 4)***

i. _gasattulukuka
ii. –kawundokakubyeddirisa
iii. –lyetengeredde
iv. –kyakutangira

## EKITUNDU D

4. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma okifunze mu bigambo nga 100. ***(Obubonero 20)***

Nazzikuno buli maka gaalina enkola gye gaatambulirangako etaali mu buwandiike naye ng'ekuumibwa butiribiri. Enkola eyo yabasobozesanga okutambuza ate n'ekuuma obufumbo nga bunywevu ate nno ne buwangaala. Enkola eno teyabanga ya kuteesaako wadde okukubaganyaako ebirowoozo, wabula okuteekebwa mu nkola awatali kubuuza.

Wano ewaffe e Buganda, omusajja bwe yagendanga ku lugendo nga bw'aba akomawo tamala gatuuka waka ng'abeewuwe tebategedde! Yafunanga engeri gy'abategeezaamu nti akomyewo olwo bo ne beetereeza! Yayinzanga okutuma omuntu n'atwala ekitereke eka, ye n'asooka yeewogomako mu mikwano, bwe waayitanga akaseera ng'avaayo ng'agenda eka. Era teyamalanga gagenda, wabula bwe yabanga ku ggaali nga kkengere agikubira nga muli oba okugenda ng'afuuwa oluwa. Singa waabangawo ebitatuuse bulungi, akabanga ako kaayambanga abeewuwe okwetereeza. Eka yatuukiranga mu ssanyu anti nga byonna biri bulungi!

Abasajja Abaganda era baalina enkola, ng'omusajja bw'aba alya talya yekka! Aah! Yalyanga bw'addiza omuntu gwe yabanga asiimye; oba mwana oba mukyala we. Ssebo nno ne bwe yaddanga amatumbi budde nga bonna bamalidde amatu wansi, ng'era abayitayo ne bazuukuka ne batuula mu ddiiro olwo nnyini kiyungu, ntegeeza omukyala eyabanga yafumbye emmere n'alyoka amujjulira. Emmere yabanga nnyingi ggwe ate gye yalyanga akoleza ono oba oli! Twakimanya luvannyuma nti yabanga yeewala bakazi be kumulungira mulagala



CamScanner

nnyini gwe bataggwa kuyengera basajja. Wamma naawe kubamu, maama oba mulogo nnabaki? Ggwe ate leero n'omuteera eddagala mu nva, n'aliriisa omwana oba zoboota wo, olulala n'aliwa ggwe kennyini mbu akuddiza! Mawe! Nga tova ku ddogo?

Waliwo n'eyatunyumiza nti omusajja omu eyalina olwebeeya lw'abaana, anti baali bangi bulala, ekifi ky'ennyama ekikye yakisibangamu olwayi kireme kubulira mu by'abalala. Olwo, oli eyabanga agaba enva, olwakirabanga ng'akiggyamu ng'akissa ebbali bukolokolo awatali kukisalako. Owa, oyo nno yali wa mululu! Wabula, omukyala n'abaana baali baakimanyiira era nga tewali yeemulugunya.

Omukazi teyayinzanga kwetumiikiriza kugula nva mu maka omuli nnyinimu. Bwabanga buvunaanyizibwa bwa musajja okugula oba okufunira ab'omu maka ge enva okugeza ennyama, enkoko oba ebyennyanja. Bino mbu simanyi nduddde okulya ku ssemutundu kanneegulireyo ndyeko, ng'omukazi tabikola! Lumu omukazi omu yalaba obudde bugenderedde n'agula engage kibaati ku musajja w'ebyennyanja eyabitundiranga ku ggaali. Ssemaka bwe yakomawo n'abuuza mukazi we gye yaggye enve ezo. Mukazi wattu yali ayasamya akamwa anyonnyole nga bwe yakutte ku kasente ke ak'ekikazi, omusajja teyamulinda kuwulira by'ayogera n'amuviira mu luyi olwamulabya Abazungu nga bali ku mwezi!

Ye obadde okimanyi nti abasajja b'edda baasajjalaatanga? Omusajja yayinzanga okuba n'abakazi nga basatu naye nga bonna abasuza mu nju emu. Nga bakolera wamu emirimu, bafumba mu mpalo ate bamunaaza mu mpalo. Omukulu nno nga bw'amala okunaaba taddamu kulinnya mu ttaka wabula oyo eyabanga amunaazizza yamwebagajjanga okutuusa lw'amutuusa mu nju! Ye okwo si kwe kwava n'enjogera egamba nti, "Okugwa ekiyiifuyiifu omugole ky'agwa ku nkyakya za bba!"

Ffe gye twakulira nga tosobola kulaba muntu mukulu bw'agenda mu kaabuyonjo. Waabangawo enkola ey'okwawula obuyumba obukyamirwamu. Akasenge ak'abakulu ate n'ak'abato. Ffe mu buto nga tetumanyi na kumanya nti oba abakulu bagenda emmanju! Naye leero! Oyinza n'okubuuza omwana maama we gy'ali n'akubuulirayo ate n'atakoma ku ekyo n'akutegeeza ne ky'agenze okukolayo oba ky'aliko! N'ofa ekitiibwa! Abantu abakulu baakukuliranga ebyabwe naddala eby'omugaso oba n'ebyo ebitalina kulagibwa mu bantu! Ekisenge ky'abakulu nga tekimala gayingirwamu kityo! Enkola nno yayambanga abafumbo okukuuma ebyama byabwe, obufumbo bwabwe ne bunywera. Kati ebyo byafuuka lugero. Abikola ayitibwa mukadde!

Ensangi zino amaka agamu tegakyalina na nkola yonna gy'oyinza kugamba nti y'eno! Gye buvuddeko awo omusajja yasibamu ebibye n'atambula awatali kudda mu maka ge. Lumu bwe baakyaza abagenyi ng'omukyala agenda ku dduuka ng'omwami asigala mu ddiiro n'abagenyi. Katabani kaabwe tekaludde keekubye ekisenge kaggyeeyo empale ya nnyina waako kagyambadde ku mutwe. Kasitudde akasawo akaalimu obuwale obulala kazze mu ddiiro nga bwe kamansamansa ebyali mu kasawo, kagenda katibula nnyini ogwejo! Mu ebyo bye kaasuula mwe mwali eddagala eriweweeza ku siriimu! Omwami yali takimanyi nti omukyala ali ku ddagala! Mu lutemya lwa liiso ng'ebintu byonna omwana bye yamansamansa ng'abiyodde abizizzaamu mu kasawo. Bwe yagenda mu kisenge, yayitamu buyisi n'okuva olwo taddanga wuwe! Nsonga ya butaba na nkola mu maka: etereka ebintu n'ey'okukuza obulungi abaana!

***Bikomye***

CamScanner